

Samuel Akena ng'ali mu kakiiko.

# Abaana 294 baasibibwa ne bannyaabwe mu kkomera e Luzira

Bya TEOPISTA NAKAMYA

ABABAKA ba palamenti beewuunyizza engeri ekkomera ly'e Luzira gye liwezezza omuwendo gw'abaana 294 so nga tebakkiriza basibe kulabagana.

Mu kunnyonnyola, amyuka kamisona w'amakomera Samuel Akena yasoose kutegeeza nti omujjuzo guyitiridde mu makomera naddala abakyala abalina abaana abato.

Kyawalirizza ssentebe w'akakiiko, Wilson Kajwenge (Nyabushozi) okusaba Akena ayongere okutangaaza engeri abakyala abo gye bafunamu embuto ne batuuka okuzaalira mu makomera n'amusaba annyonnyole oba ng'abasibe baweebwa eddembe ly'okusisinkana abaagalwa baabwe ne bafuna embuto.

Baabadde mu kakiiko ka palamenti okalondoola ebyokwerinda nga banjula bajeti yaabwe ey'omwaka gw'ebyensimbi ogujja.

Akena ku nsonga y'abasibe okulabangana yagambye nti tebaweebwa ddembe eryo wabula abasibe bano okujja mu kkomera babeera mbuto ng'abamu batuuka okuzaala nga bakyali ku kibonerezo.

Abaana oluzaalibwa yagambye baateekawo ebifo we bakuumirwa wabula oluweza emyezi 24 babeera balina okufulumizibwa ekkomera.

Ebiseera ebisinga ssinga babulwako abeng'anda ababakima, bawalirizibwa okubateeka mu bitongole by'obwannakyewa ebikuuma abaana.

Mu makomera, yakakasizza nti teri musibe ayinza kufunirayo lubuto n'asaba abalina endowooza eyo okugikomya.

Mu ngeri y'emu, baatangaazizza ku mbeera ya Dr. Kizza Besigye ne bategeeza nti byonna ebibungeesebwa ku mikutu si bituufu.

Ekitongole ky'amakomera yagambye kimulabirira bulungi era kirina abasawo abakugu abafaayo eri obulamu bwe wadde nga tebayinza kumuziyiza kulaba basawo b'ayagala.